**$05^{th}$ February 2017.**

# AMAGEZI N'OKUBIKKULIRWA BYA MUKAMA.

**Danyeri 2:1 – 28a.**

Mu ssuula yaffe eno ey’okubiri, tulaba obukakafu bw’ebyo ebyayogerwa ku Danyeri mu ssuula esooka, naddala lnny.17b, nti yassukkirira mu kutegeera okw’okuvvuunula okwolesebwa okw’engeri zonna, n’ebirooto. Ekyaali ekimu ku miganyulo emiyitirivu gy’obulamu bw’obutekkiriranya nga bwe twasomesebwa oluwedde mu ssuula esooka.

Lutugererwa bwe gwaali nga tusoma olunyiriri olusooka……
Okutegeezebwa okutuufu okunnyonnyola ekiseera kino kwe kuba nti bbo Abababulooni tebaabalanga mwaka gusooka Kabaka mwe yafugira ng’ogw’obufuzi, wabula gwo baaguyitanga mwe yatikkirwa, oluvannyuma ne babala egyaddako. Kubanga twaali tumaze okutegeezebwa mu ssuula esooka nti Danyeri ne banne baali bamaze emyaka esatu mu kubangulwa mu kikalidaayo ne batwaalwa eri kabaka abagezese, era ne bayitira waggulu, ne bakuzibwa okuba abaweereza ba kabaka.
Oyinza okubuuza nti ate omwaka gwe yabawambira ? Nedda mu kiseera mwe yabawambira yali mulangira nga Kitaawe Neboplassa ye kabaka, era yamusikira butereevu lwe yava mu lutabaalo olwo kubanga yafa mu kiseera ekyo.
N’olw’ekyo bino mu ssuula eno, byaliwo mangu nnyo oluvannyuma lw’eby’omu ssuula ey’okubiri.

Tusome lnny.2 – 13…….
Nga bwe tumanyi kaakano, nga bwe twaalaba omwaka oguwedde, ssi kyanpuna Katonda waffe, ow’eggulu n’ensi okwogera eri ba kabaka mu birooto, wadde tebamukkiririzaamu. Twakiraba ne Falaawo owe Misiri.
N’abafumu mu ngeri eyo baakyasanguza mu lnny. 11.
Naye ne kabaka kye yabasaba ekyalinga ekizibu ekitasoboka, yakibasuubiriramu mu butuufu, wadde yassaamu obukujjukujju. Ssi kikakafu oba ddala yali yeerabiridde ddala ekirooto kyonna, naye yali asuubira abafumu, n’abalaguzi okuba n’entabagana ne bakatonda ab’emyooyo okusobola okuba nti bakola bye baakolanga.

Ekindowoozesa nti wadde busungu bwe obuyitirivu bwe bwamweerabiza nti yalina omuweereza mu baali bawangangusiddwa eyali asinga ku bakaludaayo emirundi kkumi, nkiwa nti bbo Danyeri ne banne baaberanga walako n'olubiri lwa kabaka, nga 13b bwe lugamba…..(babanoonya bunoonyi).

Tusome 14 – 18…..
Danyeri era mu bugezi bwe n'okuganja nkiwa kwe yalina, yasobola okutuukirira Aliyooki omuduumizi w'abakuumi, eyalinga Mukajanga mu biro ebyo, era mukifo ky'okusangagyizibwa, n'afuna akadde ayogere ne kabaka, era ne kabaka ne yeekubamu n'abawa akadde bamubuulire ekirooto n'okuvvuunulwa.
Kino baamanya nti Mukama Katonda yekka ye yali akisobola era baayita mu bwangu okkimusaba.
Yeremiya 33:3 lugamba nti , "Mumpite n'abayitaba n'embalaga ebikulu ebitanoonyezeka bye mutamanyi"
Na bw'ekityo, Danyeri ne banne baagenda eri Mukama mu kukkiriza, naye teyabayiwa nga bwe tubuulirwa mu nnyiriri eziddako.

Tusome 19 – 28…..
Mukama era nga bwaabeera, omwesimbu ennyo, bwe yabalaga ekirooto n'okuvvuunulwa, baamutendereza nga bwe kigwaanidde, era nsaba tweetegereze ettendo n'okusinza bye baamuwa….nny, 20.. 21…22….23….
Mw'ebyo era mwe muli emiramwa emikulu gy'ekitabo kino; Ekitiibwa N'obuyinza bwa Mukama eby'enkomeredde. Awamu n'okukikkulirwa kwe kw'obumanyirivu eri buli kimu emirembe gyonna.
Era olnny. 28, lutuwa obujulirwa bwa Danyeri ku Mukama Katonda oyo…….(a).

[Obujulizi bw'obukuumi bwa Mukama ku lw'okutaano…….]